## AKWATIDDWA LWA KUWANDIIKA MU LUGUUDO

OMUVUBUKA agambibwa okwekobaana ne banne ne bawandiika ebigambo 'Protest Vote' wakati mu luguudo, e Lwamata, akwatiddwa. Bino, byabaddewo ku Lwokutaano ekiro, abantu abaababadde batambulira ku pikipiki okutali nnamba, bwe baawandiise bigambo bino, mu luguudo wakati mu kabuga k'e Lwamata ku luguudo oluva e Kampala okudda e Hoima. Eyakwatiddwa, ye Arafat Kabulwa, omutuuze w'e Kiyinja mu ggombolola y'e Kyekumbya e Lwamata mu disitulikiti y'e Kiboga.